

# Manya ntya ebinajja mu maaso?

**Ebyafaayo by'ensi ebikyasinze obumpi byawandiikibwa emyaka 2,600 egiyise . Kino kitulaga "ekigenda okubeera mu nnaku biseera ebijja". Ebyalangibwa bitaanoku mukaaga byamala dda okutuukirira.**

**Bulaaya eneegata mu by'obufuzi? Kiki ekitanajja?**

## *Mukwano Andrew, **

Twamaze dda okulaba okuva mu by'okulabirako ebiwerako nti ebyalagulwa mu Bayibuli bimala ne bituukirira.. Leero, twagala okutunuulira obunnabbi obukulu ennyo. Wakati w'obunnabbu buno kwetusinziira okutageera ebitabo bya Bayibuli ebya Danyeri n'okubikkulirwa", byombi ebyawandiikirwa ebiseera byaffe. obunnabi awamu buddibwamu n'okwongezebwamu bulambulukufu.

Okuyimuka kw'obwakabaka obw'amaanyi mu nsi n'okuteekawo obwakabaka bwa Katonda bubikkulibwa mu bunnabbi buno. ku bunnabbi obw'emirundi omukaaga, butano ku bbwo mu ngeri eyebyewuunyo bwamala okutuukirizibwa. Ffe, tusobola okubeera abakakafu nti obunnabbi obw'omukaaga bugenda kutuukirizibwa: Okuteekebwawo kw'obwakabaka bwa Katonda. Nyumira okumanya obunnabbi buno.

Yesu Kristo yayogera ku Nabbi Danyeri (Matayo 24:25). Danyeri yali Mukulembeze assibwaamu ekitiibwa era nga Nabbi leero akyasibwamu ekitiibwa abaakakristaayo, Abayudaaya, n'abasiraamu. Yeerusaalemu nga ewaguddwa mu mwaka gwa 605 Kristo nga tannajja, bamuwamba ng'omuvubuka era ne bamuwaŋŋangusa e Babironi. Olw'embeera etali yabulijjo, yafuuka ssaabaminisita wa Kabaka Nebukadduneeza era ekifo kino yakibeeramu okutuuka ne ku Kabaka Darius wamu ne Kabaka Cyrus owa Persia.

Olunaku lumu, , Nebukadduneeza yafuna ekirooto ekikkakali, ekyamumalako emirembe. Naye ku makya, yali takyajjukira byali mu kirooto. Kale, yalagira "abasajja be abagezi" (abafuusa, abalaguzi, abalanzi)okumubuulira ekirooto kye kyeyali yerabidde n'amakulu gaakyo. Bakkiriza nti kino baali tebakiyinza. Naye Danyeri ne mikwano gye baasaba Katonda ababikkulire ekirooto ekyo n'amakulu g'aakyo. Katonda yaddamu essaala yabwe n'abikkulira Danyeri ekirooto. Awo Danyeri n'agamba Kabaka:

* Erinnya lye lyalondewa okutujjukiza ow'omuBayibuli, oyo eyatwala mugandawe Peetero eri Yesu (Yokaana 1:40-42).

*"Naye waliwo Katonda mu ggulu abikkula ebyama, era ategeezeezza kabaka Nebukadduneeza ebiribaawo mu naku ez'enkolerero."* (Danyeri 2:28 NKJV)

Kati, Danyeri yabuurira kabaka ekirooto kye:

*"Ggwe, ai Kabaka, watunula era, laba, ekifaananyi ekinene. Ekifaananyi ekyo, eky'amaanyi, ekyamasamasa ennyo nnyini ne kiyimirira mu maaso go, n'engeri yakyo ya ntiisa."*(olunyiriri 31)

## Ekifaananyi eky'amaanyi kino kyali kifaanana kitya?

*"'Omutwe gwakyo gwa zaabu nnungi, ekifuba kyakyo n'emikono gyakyo bya ffeeza, olubuto lwakyo n'ebisambi byakyo bya kikomo,amagulu gaakyo ga kyuma, ebigere byakyo ekitundu kya kyuma,n'ekitundu kya bbumba."* (ennyiriri 32-33)

Danyeri ayongerako:

*"Watunula okutuusa ejjinja lwe lyatemebwa awatali ngalo, ne likuba ekifaananyi ebigere eby'ekyuma n'ebbumba, ne libimenyaamenya. Ekyuma n'ebbumba n'ebikomo, ne ffeeza,ne zaaabu ne biryoka bimenyekamenyekera wamu, ne bifuuka ng'ebisusunku eby'omu gguuliro ekyanda nga kituuse. Empewo n'ezibitwalira ddala bwe zityo n'okulaba ne bitalaba bbanga. N'ejjinja eryakuba ekifaananyi ne lifuuka olusozi olunene, ne lijjula ensi zonna."* (ennyiriri 34-35)

Awo kabaka yayagala okumanya amakulu g'ekirooto kye, ekintu ekikulu ennyo era eri ffe:

*"Ggwe ai kabaka ,oli kabaka wa bakabaka, ...Ggwe oli mutwe gwa zaabu."* (ennyiriri 37-38)

Bw'atyoDanyeri bwe yanyonnyola kabaka. Agamba Nebukadduneeza nti omutwe gwa zaabu ku kibumbe gukiikirira ye. **Bwekityo ,omutwe ogwa zaabu gukiikirira obwakabala bwa babirooni,** obwaliwo okuva 605 – 539 nga Kristo tannazaalibwa. Tusobola okusoma ku byaddirira , ebiwandiikddwa wano mu bufunze:

*"Era walikuddirira obwakabaka obulala, bw'osinga ggwe – oba eri obubwo..."* (ennyiriri 39)

Mu lutalo olwawo Babirooni yawangula abamedesi n'abapaaza. **Obwakabaka buno bwakiikirirwa ekifuba n'emikono gya feeza**. Bwali bwakabaka bwa mirundi ebiri, mubwo nga abapaaza be basinga obuyinza. Obunene bw'obwakabaka buno bwali businga obwakabaka bwa Babirooni. N'obwakabaka buno bwasaanawo – nga bwe kyalangibwa. Kino kitegeeza nti n'obunnabbi obw'okubiri bwatuukirizibwa.

Entalo ez'obulabe eza Alexander ow'ekitalo zatondawo obwakabaka bwa buyonaani. Abayonaani baawangula abapaaza. Danryeri Abayonaani ab'ogerako bw'ati:

*"... n'obwakabaka obulala obw'okusatu obw'ekikomo obulifuga ensi zonna."* (ennyiriri 39)

Obwakabaka buno nabwo bwasaanawo – ngabwe kyalangibwa. Kino kitegeeza nti n'obunnabbi obw'okusatu bwatuukirizibwa.

Tusobola okusoma ku bwakabaka bw'ensi obw'okuna mu lunyiriri luno:

*"N'obwakabaka obw'okuna bulibba bwa maanyi ng'ekyuma, kubanga ekyuma kimenyamenya ebintu byonna,era kibijjeemulula. Era ng'ekyuma ekibetenta ebyo byonna, bwe bulimenyamenya bwe bulibetenta bwe butyo."* (olunyiriri 40)

Kino kinnyonnyola bulungi " obwakabaka bwa Roma obw'ekyuma". Buli ataagondera Barooma, baamulwanyisa mu bukambwe era nebamubetenta. Ensi zonna eziriraanye oguyanja gu Mediterranean, mu makkati ga bulaaya yonna, ogutundu ogunene ogwa Asia Minor byonna byali kitundu ku bwakabaka bw'Abarooma obw'ensi yonna. Bwaliwo okuva mu 168 nga kristo tannajja okutuukamu 476 nga Kristo amaze okufa. **Obwakabaka obw'okuna – obwakabaka bw'Abarooma bwajja** era ne bugwa nate**.** Kino kitegeeza nti obunnabbi obw'okuna bwatuukirizibwa.

Okuvvuunula ekirooto kweyongerayo:

*“Era kubanga walaba ebigere n’obugere, ekitundu kya bbumba ery’omubumbi, n’ekitundu kya kyuma, obwakabaka buliba bwawulemu, naye muliba mu bwo mu maanyi g’ekyuma, kubanga walaba ekyuma nga kitabuddwamu ebbumba ery’ettosi.””* (Olunyiriri 41)

Ebyafaayo bikakasa nti obwakabaka bwa Roma obwali obunene okukamala bwafa kubanga bwayingirirwa amawanga okuva bu Bugirimaani. Danyeri yalangiranga mu buyinza bwa Katonda: *“… Obwakabaka buliyalibwamu.”*

Okuva obwakabaka bwa Roma bwe bwaagwa, twogera ku bulaaya eyeyawuddeyawuddemu. **Bulaaya eyeyawudde ekiikiririra ebigere n’obugere obw’ekyuma n’obwebbumba mu kifaananyi.**

NoTewali noomu ayinza kukola ekintu ekigumu mu kutabula ekyuma n’ebbumba. Kino kinyonnyola bulungi nnyo ku nsi za bulaaya, ezitasobola kukola mukago gwa buwangaazi.

Wabaddewo okugezzako kwa mirundi mingi nnyo okugatta bulaaya: Charles the Great, Charles V, Louis XIV, Napoleon I; n’okuyita mu kuwasaŋŋana (nga ssematalo eyasooka tannaberawo, family ezifuga bulaaya zonna zaalina oluganda) n’oluvvanyuma Adolf Hitler.

Wabaddewo akafubo k’amaanyi okumala emyaka mingi, okugatta Bulaaya yonna mu mukago gwa Bulaaya (European Union). Omukago gw’ebyobukulembeze gunaabaawo mu nkola nga eya bulaaya eyawamu? Katonda agamba mu lunyiriri 43 (NKJV):

*“… naye tebaligattagana bokka na bokka…”*

Ebigambo bino omunaana mu bunnabbi buno obw’obwaKatonda bw’amaanyi okukira akafubo konna ak’omukago. Ffe, tulaba nti obunnabbi obw’okutaano butuukiriziddwa.

Jjukira nti Kabaka Nebukadduneeza yalaba ejjinja eddene mu kirooto kye, elyali lisaliddwa awatali kuyambibwako mukono gwa muntu era ne ligwa ku bigere by’ekibumbe. Empewo yafuuwa n’eyera buli kintu era ejjinja ne lifuuka olusozi olunene ne lijjuza ensi. Ejjinja lino teryakuba kibumbe ku mutwe gwakyo ogwa zaabu, oba ku kifuba, oba ku mikono egya feeza,oba ku lubuto n’ebisambi byakyo eby’ekikomo, oba amagulu ag’ekyuma.

Ejjinja lino ekibumbe lyakikuba wansi ddala awasemba era nelibetenta ebigere. Kale, tusobola okutegeera okunyonnyola n’okuvvuunula mu lunyiriri 44:

*“Era Katonda aliteekawo obwakabaka mu biro bya bakabaka bano…”* (NKJV)

Ekyogerebwa nti “mu nnaku za bakabaka bano” kyogera ku bulaaya eyeyawudde yawudde, kuba obwakabaka bw’ensi obw’amaanyi obuna obwasooka tebukyaliwo. Kino kitegeeza nti mu biseera Bulaaya weyekutuliddemu obwakabaka obw’amaanyi obusembayo we bujja okujjira. Kino kinaabeera kitya? Katonda atulaze ekinaabeerawo mu maaso.

Bwakabaka ki obunasitulwa mu biseera nga Bulaaya ekutusekutuse? Bwe bwakabaka obwogerwakomu saala ya Mukama: *“Obwakabaka bwo bujje.”* (Matayo 6:10 NKJV)

Buno bwe bwakabaka obwogerwako kyogerwa nti: “okuva gyali alijja okulamula abalamu n’abaafa.” ssi bwakabaka bulala okujjako obwo abwa Katonda obw’olubeerera Yesu bw’agenda okuteekawo.
Mu kugeeragееranya, obwakabaka bwonna obuzze bubaawo, obwagwa oba obujja okusaanyizibwawo Yesu ng’akomyewo, obwakabaka bwa Katonda bwa lubeerera.

**Obwakabaka bwa Katonda bwe busembayo era butandika nga Kristo akomyewo.**

Yesu Kristo ajja kulabika eri abantu bonna mu bire by'eggulu era ajja kuwerekerako bamalayika be bw'anaakomawo. Okujja kwa Kristo okw'okubiri ky'ekintu ekisinga ensi kye yali erabye.

Obwakabaka obuna, Babirooni, Paaza, Buyonaani n'obwa Roma, bwakola ebyafaayo bya myaka 1,081. Naye Bulaaya eyeyawuddeyawudde weeri kati okumala emyaka 1,500 era ebaddewo emyaka nga 400 okusinga okusinga obwakabaka buli bwonna nga obugasse wamu.

Kati, ekibuuzo ekisaanidde kijjawo: lwaki Bulaaya eyekutuddemu ewangadde nnyo? Lwaki Kristo taddanga emyaka mingi egiyise? Tukimanyi nti ebbanga Bulaaya ly'ebaddewo bw'oligabanyamu n'eryobwakabaka obwasooka, kitegeeza nti ekiseera kyayo kiweddeyo. Okujja kwa Kristo okw'okubiri kwandibadde kwabaawo dda. Tuli ddala mu ebisembayo eby'ebyafaayo by'ensi.

Ekigenda okuddako eky'amaanyi kisobola okutuukawo ekiseera kyonna.

Ebitabo bya "Danyeri" "n'okubbikurirwa" byetooloorera ku bunnabbi buno. biddiŋŋana nokulambulula obunnabbi buno. ebitabo bino byombi byawandiikirwa biseera byaffe. ( laba ku Danyeri 12:4,9). Kale, nandiyagadde okulagirira okusoma ebitabo bino. Waliwo emisomo n'obutambi ku mulamwa guno.

Nandiyagadde okugabana ebirowoozo bya Kakensa . Dr. Ing. Werner Gitt okuva mu kitabo kye "*Kyawandiikibwa*" nga webyali mu bufunze mu byafulumira *factum* May 2009, p. 24. Nga munnasaayansi eyakuguka mu byuma bi kali magezi, obunnabbi obwo yabukebera ng'ayeyambisa - *probability theory.*

"Bayibuli erimu ebigambo eby'obunnabi ebisukka mu 3,000 ebyamala edda okutuukirizibwa. Tewali kitabo kirala mu byafaayo by'esinsi kyali kifunye mutindo nga guno. Nabwekityo, tuweereddwa kwetugezeseza ekituufu. … Obunnabbi buno bwatuukirizibwa mu butanywa oba bwasoboka kubanga Katonda ye yawandiika Bayibuli era olw'amagezi ge agatakoma yawa obunnabi, obusobola okwekenyezebwa okusinziira ku byafaayo byabwo?

Omukisa nti obunnabbi obusukka mu 3000 bwatuukirizibwa mu butanywa guba zero. Ebiva mu kibalo bigaziwa nebifuuka ebinene ebisukkulumye nti obwongo n'okufumintiriza kwaffe bitendewalirwa mu kugezaako okuteebereza ekintu kino. ….Okubeerawo kwa Katonda ow'amagezi n'amaanyi agataliiko kkomo, oyo afaanagana ne Katonda ow'omu Bayibuli , kisobola okukakasibwa n'obujulizi obuva mu kibalo ky'obunnabbi."

Yee, Bayibuli kitabo kisufuu. Ky'ekitabo kye tulina ekisinga omuwendo. Kya muganyulo nnyo gyetuli bwe tutwala akadde okukisoma.

Okulamusa okw'essanyu,

*Helmut*

**Helmut Haubeil,** Rosenheimer Str. 4,
D-83043 Bad Aibling (Germany)
Email: helmut@haubeil.net